

Omuzannyi wa Cubs (ku kkono) ng'ayita ku wa Ethiopia.

# Uganda Cubs yeesoze AFCON

Bya NICHOLAS KALYANGO

| | | |
|---|---|---|
| **Tanzania** | **3-1** | **Kenya** |
| **Uganda** | **3-0** | **Ethiopia** |

Ttiimu ya Uganda ey'abali wansi w'emyaka 17, 'The Cubs', yeewandiikidde ebyafaayo bw'ekubye Ethiopia ggoolo 3-0 ku semi n'eyitamu butereevu okwetaba mu mpaka za Afrika (TotalFnergies AFCON U-17) ezir aazannyibwa omwaka ogujja

Oluvannyuma lw'eki.undu ekisooka okuggwa nga tewali ateebye mu mupiira ogwabadde ku kisaawe kya Abebe Bikila mu Ethiopia, Cubs yakomyewo n'amanda mapya mu kyokubiri ne balaga nti bakuze mu mupiira.

Lorian Lwesibawa ye yagguddewo okuteeba ng'ekitundu ekyokubiri kyakatandika.

Nga tewannayita bbanga ddene (ddakiika 2 zokka), Thomas Ogema yakubye eyookubiri nga Lwesibawa tannateeba yaakusatu.

Ggoolo eyookusatu yabadde makula kuba yavudde mu kusimula kisobyo Lwesibawa kye yakubye obutereevu mu katiimba.

Obuwanguzi buno buwadde Uganda tikiti egitwala ku fayinolo w'eneesisinkana Tanzania ku Lwokubiri.

Ku fayinolo, Cubs egenda kuba etun-uulidde kweddizza kikopo kino.